335/1
LUGANDA
PAPER 1
AUGUST 2005

MASAKA DIOCESE JOINT EXAMINATIONS 2005

LUGANDA

PAPER 1

2 HOURS 30 MINUTES

- Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri: A ne B.
- Mu kitundu A, mulimu nnamba 1 (a) ne (b), londako (a) oba (b)
- Ekitundu B mulimu nnamba 2 ne 3. Nnamba 2 londako (a) oba (b).
- Nnamba 3 ya buwaze

© ***MASAKA DIOCESE JOINT MOCK EXAMINATIONS 2005***

EKITUNDU A

Kola nnamba **(a)** oba **(b)**

1. (a) Wandiika emboozi etekka wansi wa bigambo 400 ku gumu ku mitwe gino:

   (i) Okulwanyisa obuwuka bwa muwogo.
   (ii) Omutindo gw'abayimbi ba Uganda gulinnye nnyo ennaku zino.
   (iii) Kikonyogo.
   (iv) Okulinnyisibwa kw'ebbeeyi y'amafuta y'ensibuko y'obuseere bwa buli kimu.

   (b) Ku mitwe gino londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi etekka wansi wa bigambo 200:

   (i) Wandika mu lupapula lw'Amawulire ku mutwe "Abavubuka bawabye tebakyatya bakulu."

   (ii) Ggwe okulira okusitula embeera z'abantu mu kitundu ky'ewammwe. Yogera ku mutwe ogukwata ku bukulu bw'okusomesa empeereza y'abakola mu wooteri zaffe.

   (iii) Omuganda ne Kabaka we.

   (iv) Ggwe munnamawulire w'emu ku Radio za FM weereza abawuliriza engeri gy'olabamu omukolo gw'ekitoobero ffunduukululu okuva mu kisaawe gagadde.

EKITUNDU B

2. (a) (i) Mu kitundu kino menya ensonga nga ssatu ezifuula ensiri okuba eky'omutawaana naddala eri Bannauganda.

   (ii) Mu kaboozi ka bigambo nga 25 laga omwana w'omuntu naddala omuwejjere ky'ayinza okukolera ensiri.

   Olwaleero lunaku lwa kulwanyisa omusujja gw'ensiri mu nsi yonna. Mu Uganda lunaku lukulu eri buli omu kubanga buli lunaku abantu 328 bafa musujja!

Ate abaana 60 ku buli 100 bakonziba mu bwongo lwa kulwalalwala musujja. Eyaabwe mu baana amaanyi egafuna kuva ku musujja gwa nsiri. Bwe kakutanda n'oguganiriza ng'oguwaddoozi ez'ekitundu gusobola okutta omwana mu ssaawa 24 zokka.

Bw'olaba omwana atandise okukubwa eyaabwe ng'omanya nti omusujja gutuuse ku bwongo. Kimanye nti omusujja gusinga kutta baana abatannaweza myaka etaano.

Mu bakyala ab'embuto 60 ku buli 100 embuto zaabwe zivaamu nga tezinnatuuka. Abakyala bagamba nti ab'embuto balumbibwa mangu ensiri olw'akabugumu ak'enjawulo ke babeera nako akasikiriza. Ate babeera n'amaanyi matono mu mubiri agasobola okulwanyisa endwadde.

Akawuka ensiri k'emusiiga bwe katuuka mu musaayi kamenyaamenya obutoffaali obumyufu obutambuza empewo mu mubiri n'ekivaamu kwe kuggwaamu omusaayi nga kw'otadde n'okuzaala abaana nga tebaweza buzito busaanidde.

Abaana abazaaliddwa mu mbeera eno batera okufa nga bato, kubanga emibiri gyabwe giba tegisobola kulwanyisa ndwadde.

Buli mulundi omukazi gw'alumbibwa omusujja gw'ensiri ennaku musanvu zibeera zimufudde. Ate nga mu Uganda okutwalira wamu buli muntu alumbibwa omusujja gw'ensiri enfunda mukaaga buli mwaka. Kino kitegeeza nti buli mwaka amala ennaku 42 nga takola ali ku ndiri.

Omusujja gw'ensiri tugulwanyisizza tutya? Si buli nsiri nti erwaza omusujja. Ensiri enkazi y'erwaza omusujja kuba nga enywa omusaayi esobole okukuza amagi gaayo. Etandika okuluma ku ssaawa 4 (nnya) ez'ekiro okutuuka ku 11 (kkumi n'emu) nga bukya.

Ekikulu kiri nti abantu be basenza ensiri mu maka gaabwe. Ensiri zizaalira mu miwaatwa gy'ebimuli, mu ngogo ezitwala amazzi, ku mategula, mu bidiba ebirimu amazzi n'ebifo ebirala amazzi mwe galegama.

Jjukira nti ebituli ebiri mu mayumba gaffe ebiyingiza ensiri byo biyitirivu.

Tetuyinza kugaana nsiri kuzaala naye tugaane ezo ezitambuza obuwuka obuleeta omusujja gw'ensiri okuddamu okuluma abantu abalamu.

Ate singa ofuna obubonero obulaga nti wandiba n'omusujja gw'ensiri tuukirira mangu omusawo ofune obujjanjabi ate ogoberere n'ebiragiro by'akuwa. Muleme kwefuula basawo kubanga mugubya omusujja.

Fuuyira eddagala ly'omu mikebe erigoba ensiri naye oteekwa okumanyia nti lino likolera akasera katono ensiri eziyingira oluvannyuma ne zitakosebwa.

Ate eddagala ly'okufuuyira abantu abamu libayisa bubi. Wabula waliwo akatimba akalimu eddagala aka K-Onet akakolebwa aba Quality Chemicals Ltd., nga kati bakwatidde wamu n'ekibiina kya FINCA okulaba nga bataasa obulamu bw'omuntu omuwejjere. Obutimba buno osobola okubuggya mu maduuka, ku matundiro g'amafuta, supermarkets, obulwaliro obutono ne gye batabulira eddagala.

Oba

2. (a) Kyusa ekitundu kino mu Luganda.

We all think our teeth are supposed to be white, however, as time passes they lose their original colour. A common colour is one that is yellowish or brownish. However, they can be cleaned and made to look whiter through polishing by a dentist.

According to Richard Bateganya a Dental Officer at Luwum Street Central Clinic, poor dental care creates a high retention of food materials on the teeth, which will eventually lead to staining.

"Many people have poor eating and brushing habits. They rarely brush after eating or instead brush before eating. Sometimes they never brush at all. The food sticks to the teeth and reacts with the bacteria in the mouth and this affects their colour," he says.

After these chemical reactions, food forms on the teeth plaque (the sticky whitish deposits on the surface of the teeth) eventually becomes a greenish, black or grayish material.

Contrary to what one might think, all sides or the teeth and not just the front are affected.

The acids from the reactions burn the teeth surfaces and often they lose their original colour.

Bateganya adds that eating sugary foods without cleaning the teeth after creates these deposits. Often some foods and drinks stain teeth.

Taking a lot of coffee, tea and heavily dried foods and food or water with many floride ions may stain them. Usually people who smoke or consume tobacco eventually get their teeth stained.

(Extracted from the Monitor Tuesday 30th May 2005)

Kola ebibuuzo 3 (a) ne 3 (b)

3. (a) Jjuza ebisoko ebutuufu mu mabanga egali mu sentensi zino wammanga.

(i) Ekyali e Nakivubo ku lwa Wamunyi kyali……magi.
(ii) Nsereko tanywa……..anti ababbi bonna yabanywezezza tewali yamudduseeko.
(iii) Ttiimu z'omupiira zinaagwaŋŋanako……zeemale eggayaŋŋano.
(iv) Leero……kanenkana emmale nga bakirimaanyi ababiri bakwataganye.
(v) Birimuye abereesedde bulala……nga kinya.
(vi) Tumaze okuwawula……era tulinze by'onotugamba.
(vii) Ebya mukulu wange okulinya mu ……n'agaana okusoma bitusobedde.
(viii) Nanziri amagezi……..ng'ayombera gy'asaka okuddira jjajjaawe n'amubbako obuziina bwe.
(ix) Ebbeeyi y'ebintu eyeewanise ebiro bino ereetedde embeera okulinnya……kubanga omunaku amagezi gamwesibye.
(x) Mutabanbi wa Bakiddaawa yeebaka……..tebuzindwa anti yazuukuka banne baagenze dda.

3. (b) Bya Eddie Ssejjoba

Omusomesa w'ebyamawulire mu Yunivaasite e Makerere W. Tenywa awagidde eky'okufuula Oluganda olulimi lw'eggwanga kuba lwe lusinga okwogerwa mu Uganda. Yagambye nti waliwo bannabyabufuzi abalina akakuku ku Buganda abagezaako okuwakanya. 'Nze ndi Munyankole era nzaaalibwa Mbarara naye buli mutuuze ewaffe amanyi okwogera Oluganda. Nabadde Lira, naye ng'Oluganda lwogerwa." Yagambye nti eky'Oluganda okubeera nga lwe lusinga obuganzi n'okwogerwa tekyetaagiza kuteesebwako kuba bangi bakimanyi.

(i) Obugambo obusaziddwako buyitibwa butya mu Gulaama?
(ii) Ng'okozesa kiyunga (conjuction) leeta sentensi eyiyo kubuli kamu ku bugambo buno:

- Bannabyabufuzi.
- Akakuku.

****BIKOMYE WANO****